

Engeri Ekibi Gye Kyayingira Mu Nsi

Bannaffe abatuwuliriza tubalamusa mu linnya lya Katonda, Mukama ow'emirembe ayagala buli omu ategere era yeweeyo okutambulira mu kkubo ery'obutuukirivu lye yatuteerawo tube na ye mu mirembe egya nnamaddala. Tuli basanyufu olw'okusobola okukomawo nate okubatuusaako pulogulamu yammwe *Ekkubo Ery'obuukirivu*. Pulogulamu eno eyatekatekebwa Trans World Radio eva mu kuvvunula pulogulamu eyitibwa **Yoonu Njub** eyategekebwa mu lulimi oluyitibwa olu Wolof ku lw'Abasiraamu b'omu Senegal mu Bugwanjuba bwa Africa. Lino ly'essomo lyaffe ery'omusanvu. Nze Musumba Noah Nsubuga.

Mu misomo ebiri egiyise twayiga engeri Katonda gye yatonda abantu ababiri abasooka. Ebyawandiikibwa bitugamba mu Olubereberye 1:27 nti, *“Katonda n'atonda omuntu mu ngeri ye, mu ngeri ya Katonda mwe yamutondera; omusajja n'omukazi bwe yabatonda.”* Yabatonda (Adamu ne Kaawa) n'abawa buli kimu kye baali betaaga okubeerawo mu mirembe mu bugagga obw'amazima. **Katonda yayagala abantu bamumanye, bamwagale era bamusinze emirembe n'emirembe.**

Kyokka abantu abo bagwa akagezo Katonda ke yabateerawo okupima engeri gye bamwagalamu. Singa Adamu teyagwa kagezo ako, n'agondera Katonda, kyandikakasizza nti ddala yali ayagala Katonda we mu mutima gwe.

Kale olwaleero tutuuse ku ssuula ey'okusatu etulaga engeri ekibi gye kyayingira mu nsi. Essuula eno etulaga bulungi lwaki omutima gw'omuntu mubi era mwonoonyi, ekinnyonnyola lwaki ensi ejjudde okubonaabona.

Twamala okulaba nti olubereberye Adamu ne Kaawa babeeranga mu lusuku lwa Paradise nga balina buli kimu ekibasanyusa. Ekyaali kisinga obulungi mu byonna nti Mukama Katonda yabakyaliranga buli lunaku. Yali ayagala nnyo okuba n'enkolagana ey'amakulu nabo.

Kyokka Ebyawandiikibwa bitugamba nti waliwo omulala mu lusuku. Yali ani? Yali Setaani, omulabe. Katonda bwe yali atonda ensi n'ebirimu byona, Setaani yali bbali bbali awo ng'alingiza. Katonda okugenda okulagira Adamu obutalya ku muti gwa kumanya kirungi na kibi, Setaani yali amatu ateze. Eky'akabi nti Setaani teyakoma ku kuwuliriza buwuliriza wazira yali aluka pulaani ye ey'okwonoona omulimu gwa Katonda. Setaani yetegeka okukema omuntu amujeemese eri Katonda, ayonoone, ayawulibwe ku Katonda era azikirire. Katonda yamanya pulaani ya Setaani eyo kyokka Adamu ne Kaawa tebalina kye bamanyi kwekyo.

Lwali lumu, Adamu ne Kaawa baali bayimiridde okumpi n'omuti ogwabagaanibwa, Setaani ne zimuleeta ng'omusota okwogera nabo. Bwekityo ekitabo ky'Olubereberye 3:1 bwekitugamba nti, *“N'omusota gwali mukalabalaba okusinga ensolo zonna ez'omu nsiko, ze yakola Mukama Katonda. Ne gugamba omukazi nti Bw'aty o bwe yayogera Katonda nti Temulyanga ku miti gyonna egy'omu lusuku?”*

Nga tetuneeyongerayo katusooke twebuuze: Lwaki Setaani yajja ng'omusota? Ebyawandiikibwa bituwa eky'okuddamu bwe bitugamba nti *“omusota gwali mukalabalaba okusinga ensolo zonna ez'omu nsiko, ze yakola Mukama Katonda.”* Setaani ye mukemi. N'olwekyo yayagala alabike ng'omugezi ennyo. Teyajja ng'ogusolosolo kugamba nti, “Emirembe gibe nammwe Adamu ne Kaawa, Nze Setaani omulabe wa Katonda! Nzize olwaleero okubakema mukube Katonda ow'obulamu amabega, n'oluvannyuma musaanewo!” Setaani teyakola bwaty. Yasalawo okwebuzabuza alabike ng'ekisolo ekirungi eky'amagezi. Yajja ng'omusota kubanga ekibi bwe kyali tekinayingira nsi omusota gwe gwali gusinga mu bukalakalaba.

Setaani takyukanga. Mukalalakalaba. Kiri mu mpisa ze okulabisa buli ky'akuwa ng'ekirungi, akutimbe bbula. Mu 2 Abakkolinso 11:14 tusoma nti, *“Setaani yeeffaananya nga malayika ow'omusana.”* N'olwekyo Katonda atulabula mu Matayo 7:15 nti, *“Mwekuume bannabbi ab'obulimba, abajjira mu byambalo by'endiga gye muli, naye munda gy'emisege egisikula.”* Setaani mulimba. Eyo y'ensonga lwaki yajja ng'omusota era y'ensonga lwaki yalondawo okwogera ne Kaawa, kuba yalowooza nti Kaawa y'anaaba omwangu okusinga Adamu. Setaani yamanya nti ekiragiro Katonda yakiwa Adamu nga tanatonda Kaawa. Kyokka ne Kaawa yali akimanyi.

Kale mu Olubereberye 3:1 tusoma nti, *“omusota ne gugamba omukazi nti, Bw'aty o bwe yayogera Katonda nti Temulyanga ku miti gyonna egy'omu lusuku?”* Setaani yagezaako okuleetera omukazi okubusabusa Ekigambo

kya Katonda, Kyeyava amubuuza mu ngeri eyo ey’okukema. Ampuliriza kankubireko—Setaani akyakozesa akakodyo ke kamu n’olwaleero. Alwanyisa Ekigambo ky’Amazima kubanga amanyi nti kirina amaanyi agaanika obulimba bwe n’okumuwangula.

Kati katuwulire ebyaddirira mu mboozi y’omukazi ne Setaani mu Olubereberye 3:2-5:

“Omukazi n’agamba omusota nti Ebibala by’emiti egy’omu lusuku tulya; wabula ebibala by’omuti oguli wakati mu lusuku, Katonda yayogera nti Temugulyangako newakubadde okugukwatangako muleme kufa. Omusota ne gugamba omukazi nti Okufa temulifa. Kubanga Katonda amanyi nti olunaku lwe muligulyako mmwe, amaaso gammwe lwe galizibuka, nammwe muliba nga Katonda okumanyanga obulungi n’obubi.”

Kino kyewuunyisa nnyo. Katonda yagamba Adamu nti, *“Bwe muligulyako temulirema kufa”* Setaani yagamba Kaawa nti *temulifa*. Kale bw’atyo teyakoma ku kuleetera buletezi Kaawa kubuusabusa naye yegaanira ddala ekigambo kya Katonda. Olowooza ki ku kino? Ani yali ayogera amazima? Katonda atugamba mu Yokaana 8:44 nti, Setaani *“okuva olubereberye ye mussi, so teyanywerera ku mazima, kubanga amazima tegaali mu ye. Bw’ayogera obulimba, ayogera ekiva mu bibye; kubanga ye era kitaawe w’obulimba.”*

Setaani takoma ku kuba mulimba naye mukalakalaba. Addira eky’obulimba n’akitabika n’eky’amazima. Kyali kituufu olwalya ku muti Adamu ne Kaawa ne bamanya obulungi n’obubi, naye yabalimba okubagamba nti mujja kuba nga Katonda era temulifa.

Olwo Adamu ne Kaawa balina okulondawo wakati w’okugoberera ebigambo bya Katonda oba ebya Setaani.

Katusome Olubereberye 3:6 tulabe kye balondawo. Tusoma nti: *“Omukazi bwe yalaba ng’omuti mulungi okulya, era nga gusanyusa amaaso, n’omuti nga gwakwembebwa okuleeta amagezi, n’anoga ku bibala byagwo n’alya, n’awa era ne ku musajja we naye n’alya.”*

Kale bwatyo omuntu n’asalawo okujeemera Katonda ow’okwagala n’agoberera Setaani, omulabe wa Katonda n’omuntu.

Kya nnaku nnyo! Ba jjajja ffe Adamu ne Kaawa bwe basalawo bwe batyo. Bannaffe aba Wolof balina olugero olugamba nti, *Kawumpuli takoma ku gw’atandikiddeko*. Mu Abaruumi 5:12 tusoma nti, *“...Nga ku bw’omuntu omu ekibi bwe kyayingira mu nsi, okufa ne kuyingira olw’ekibi, bwe kityo okufa ne kubuna ku bantu bonna, kubanga bonna baayonoona.”*

Kale bwetutyo ffenna tuzaalibwa n’obwonoonyi obwo, tube nga tukyagala oba nga tetukyagala. Ani ku ffenna ayinza okweyama nti tamenyanga ku biragiro bya Katonda? Tewali n’omu.

Naye tuleme kuggwaamu ssuubi kubanga Ekigambo kya Katonda kigamba mu Abaruumi 5:18 nti, *“Kale bwe kityo ng’olw’okwonoona kw’omu omusango bwe gwasinga abantu bonna, bwe kityo n’olw’obutuukirivu bw’omu ekirabo kyali ku bantu bonna okuweesa obutuukirivu bw’obulamu.”* Ekyo teujja kukiyingiramu olwaleero naye mu maaso eyo tujja kwetegereza ekkubo ettuukirivu ery’obulokozi aboononyi mwe bayinza okuyita okukomawo eri Katonda.

Mikwano gyaffe eno ebadde pulogulamu yammwe Ekkubo Ery’Obutuukirivu. Omulundi ogujja twagala tweyongereyo mu ssuula eyo tulabe ekyatuuka ku Adam ne Kaawa. Kale kambaleke nga mulowooza ku lunyiriri luno mu Abaruumi 5:12 olugamba nti: *“...Nga ku bw’omuntu omu ekibi bwe kyayingira mu nsi, okufa ne kuyingira olw’ekibi, bwe kityo okufa ne kubuna ku bantu bonna, kubanga bonna baayonoona.”*

Mubadde muwuliriza Ekkubo Ery’Obutuukirivu pulogulamu eyategekebwa Trans World Radio. Kati bw’oba n’ekibuuzo, oba obujulizi, oba okuwabula oba ekintu ky’oyagala tusabire tuma sms ku nnamba zino 0704-136199 oba 0774-895460 oba wandiika ebbaluwa y’empewo (e-mail) ku Email address eno: barua@twr.co.ke Twerabira okutuwuliriza nate wiiki ejja ku sitenseni y’emu eno.

Nze omusumba Noah Nsubuga. Nsaba Mukama Katonda abawe omukisa.